

24th February 2019.

EKIWEBWAAYO OLW'EMIREMBE.

Eby'Abaleevi 3.

Ku biweebwaayo Mukama bye yalagira Musa okutongoza eri Isirayiri mwe mwaali ekiweebwaayo olw'emirembe, eky'okusatu ekyaali eky'ekyeyagalire.

Nti nga ekiweebwaayo ekyokye bwe kyaalina amakulu g'okwewerayo ddala kwa Mukama waffe Yesu Kristo, ate ekiweebwaayo eky'emmere ne kiba n'amakulu g'obutuukirivu bwe, kino eky'olw'emirembe kyaalina amakulu ga Yesu Kristo okuba emirembe gyaffe era n'ensibuko y'obumativu bw'obulamu bwaffe.

Tusome essuula....

Nny.1 – 5 Eri Mukama, oyo eyaleetanga ekiweebwaayo yalina okulaga okweewaayo kwe mu kkiwaayo nga bwe gwaali mu kiweebwaayo ekyokebwa ng'assa emikono gye ku nsolo, osanga n'ayimusa okusaba kwe eri Mukama okw'okweebaza emirembe n'entabagana ennungi byaweereddwa, ebyaatuukirizibwa mu Yesu Kristo nga bwe tubuulirwa mu Baefeso 2:14..... ze tujja okulaba mu maasoko.

Ensolo endala nazo zaaliko okulagirirwa kwe kumu ng'okwaali ku nte.

Naye tewaali njiibwa kuweebwaayo mu kiweebwaayo eky'emirembe olw'obutaba na masavu ga nsa, awamu, n'obutawera mu kugabanyizibwaamu.

Olw'okuba waalina okubaawo okugabanyizibwaamu kw'ekiweebwaayo n'amakulu g'entabagana wakati w'oyo eyaleeta ekiweebwaaayo, kabona, ne Mukama Katonda.

Era mu biro ebyo amasavu agaali gabalwa ng'agasinga omuwendo mu nsolo ge gaweewwanga Mukama ku Kyoto..... lny. 16....

Era ng'olunnyiriri 17 bwe lukikkaatiriza, ng'etteeka eri Isirayiri amasavu n'omusaayi tebyalina kuliibwanga bantu, mu ngeri y'okubitongoza ng'ebyomuwendu ogusaana okuweewwanga Mukama, nga bwe tumanyi nti olw'obulamu okuba mu musaayi waaliwo okukiikirira kw'obukulu bw'omusaayi gwa Yesu Kristo oguliweebwaayo okuwonya ensi yonna ekibi n'okufa awamu n'okuzikirira kwe kyaaleeta.

Ate nga bwe weetegereza, Mukama yali agema bantu be kulwaala ndwaade ezireetwa okulya kw'amasavu ze tulaba zikyaase ebiro bino.

Omwo mulimu okweelekereza ebyo ebilabwanga ebisanyusa emibiri gyaffe tutuukirire eri Mukama Katonda waffe, tutuukirize okwagala kwe gyetuli nga bwe tubuulirirwa mu Bakolosayi 3: 1- 15.....

Ndowooza tulaba okutabagana okwaagalwa Mukama Katonda waffe.... Okwo okutufuula okuba n'obumu mu Yesu Kristo.

Kwe kkomekkereza ne byawandiikibwa mu Baefeso 2:14-22.

Kya nnaku nti wadde ng'ekkanisa erina omulamwa gw'okwagala n'obuyigiriza tuweebuuka nnyo mu kwagalana okwanamaddala olw'obutakola bitugambiddwa mu Bakolosayi 3 waggulu, olwo ne tuvoola okwagala kwa Mukama waffe Yesu Kristo eyeeweerayo ddala abe emirembe gyaffe emirembe gyonna.